Ecolebooks.com

**NAME:----------------------------------------INDEX NO:------------------**

**DATE:--------------------------------------------SIGNATURE:-------------**

**P360/3**
**LUGANDA**
**LITULICA MU LUGANDA**
**PAPER 3**
**3 HRS**

# UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION

**RESOURCEFUL MOCK EXAMINATIONS 2017**
**LUGANDA**
**LITULICA MU LUGANDA**
**P360/3**
**OBUDDE: ESSAAWA SSATU (3 HRS)**

***EBYOKUGOBERERA:***

- ***Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu A, B ne C.***
- ***Mu kitundu A ddamu ekibuuzo kimu.***
- ***Mu kitundu B, ddamu ebibuuzo bibiri (2), ekimu kya puloozi n'ekirala kimu kiggye mu bitontome.***
- ***Mu kitundu C, ddamu ekibuuzo kimu.***
- ***Awamu ddamu ebibuuzo bina byokka.***

**EKITUNDU A**

***Ddamu ekibuuzo kimu mu kitundu kino.***

**M. B. NSIMBI: BWALI BUTAMANYA**

1.(a) Nnyonnyola ebintu eby'enjawulo omuntu eyettanira okusomesa omwana by'ayiga mu ssuula "Ntwalibwa mu Kabubbu Primary School ne Nnyingira mu Mirembe Primary School. **(Obubonero 15)**

(b) Amasomero M. B. Nsimbi gaayogerako mu "Bwalibutamanya" gafaanana gatya n'amasomero ge nnakuzino mu Uganda? **(Obubonero 10)**

2. "Ekyekango kye nnasooka okufuna mu bufumbo bwange kwe kulaba ng'omwami wange adda eka ku ssaawa ezo mu matumbi budde."

(a) Laga ebyekango eby'enjawulo omunyumya by'atuukako mu lugero luno. **(Obubonero 10)**

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

(b) Nnyonnyola ekigendererwa ky'omuwandiisi mu kusa ebyekango ebyo mu lugero luno. **(Obubonero 15)**

**E. K. N. KAWERE: ZINUNULA OMUNAKU**

3. Obukugu bwa Kawere mu kuyiiya n'okuwandiika Zinunula Omunaku bulagiddwa butya mu lugeroluno? ***(Obubonero 25)***

4. "Ebigambo bisirikitu ddala ebyawambia ne bisimba amakanda era ne bitebenkera mu mmeeme yange nga biva mu ebyo JJajjange bye yannombojjera ebyaliwo mu kuzaalibwa kwange."

(a) Omunyumya yazaalibwa mu mbeera ki? ***(Obubonero 10)***

(b) Lwaki omunyumya anyumya bwatyo? ***(Obubonero 5)***

(c) Vyanyumya biyamba bitya omuwandiisi okutuzimbira olugero? ***(Obubonero 10)***

**EKITUNDU B - PULOOZI**

***5. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.***

Abaatusooka baabiraba nti, 'Nnaku musana tegwokya omu.' Naye nno nange saamanya nsonga lwaki jjajjange Buyisebwomu yeeyitanga bw'atyo. Wabula okusinga twmuyitanga linnya lya Nnakumusana enkuyege bwe zaali nga zikyamukubira enduulu, era oluusi twamweyitiranga jjajja 'Musana' wabula bwe nkuze ne ntandika okulowooza ennyo ku nsonga y'erinnya eryo lye twayitanga jjajja oyo omubuze!

Ku nsi kuno tekuli mulungi atuukiridde era tuyinza nti n'omubi asembayo ayinza obutafunika, kunbanga buli muntu alina akalungi k'omuggyako. Ng'oggyeeko bazadde bo ne baganda bo abamu, abantu abasinga beerowoozaako bokka anti, K'ezaala ….., ate ne Bukadde magezi takubuulira kyamukaddiya naye era be bamu abagamba nti omuntu w'okulira nga by'olabye bingi era wamma ddala nga kafukunya nga ke bagamba akaagula Mukono.

Ennaku, ensaalwa n'obukyayi omuntu by'alaba ng'akyali mulamu bye njagala okukuseetulira kubanga biyinza obutanva ku mwoyo naddala nze abikuliddemu kabe kasinge nga nagenda n'okutonnya ku nsi nga bijjudde wonna era ddala nga biteese nga ga Lubigi. Olw'okuba saakula na mmange ndowooza y'ensonga eyanviirako okuloza ku bukyayi, enge n'okutuntuzibwa nga nkyali bbujje nnyini. Kale bwe nkugamba nti effitina n'obukyayi mwe nkulidde toyinza kumpakanya.

Weebuuze ebbujje eritayogera wadde ebigambo ekkumi biti omuntu alikyayira ki? Naye abantu balamu magoma anti gavugira aliwo, ate n'eyatya okwogerwako yasigala mu

lubuto. Omuntu akulaga nti wadde tolina ky'omukoze, ye takwagala n'kamu n'akeddagala, wadde nga ggwe tolina ky'omanyi.

Weewuunya, omuntu oyo buli lw'akulabako awulira ng'emmeeme emukyekeera. Kye saamanya nti muka kitange ono yali talina mwana mulenzi era nga tasuubira kumufuna. Bulijjo kitange essuubi lye lyonna lyamuli mu kuzaala mwana mulenzi ate bwe kyatuukirira ne gujjabagira ku ludda lwa mmange.

Muka kitange ono yali mukambwe ataddwamu ate nga mu kwekoboggoza akirako eddebe omutali mazzi. Omukazi ono yali wa ngeri nga siiti …., anti taata bwe yabangawo ng'ampembejja n'ambiita muli naye n'alowooza nti wamma ddala omutima nagwo bwe guli sso nga bambi yali Katula kennyini.

Eky'omukisa, Lugaba yannyamba ne nkula ate n'okusoma ne kunyanguyira era nga n'enfuna yange si mbi nange kati nsobola okuzzibwako mu kyama!

Nga bwe bagamba nti okulwawo kulumya emmese ku ddiba lya kkappa ate nga n'ebirwa bikyuka anti amalusu gafuuka engeregeze, ekiseera kyatuuka ensi naye n'emukyukira anti essanyu baalyogerako dda nti teribeerera, ate nga n'akuyisa enkya ggwe omuyisa ggulo! Ensimbi oba ziyite lupiiya zaamuggwaako n'ezzadde lye ne litandika okuwogoka mpola mpola era kati alinga mulalu, atambula yeeyogeza kumpi kuyitira ddala Ttembo. Wamma ggwe, ataakulaba akunyooma!

***Ebibuuzo:***

(i) Mulamwa ki omunyumya gw'aseetula mu kitundu kino? ***(Obubonero 4)***

(ii) Laga embeera omunyumya mw'aseetulidde emboozi eno, owe n'ensonga emuviiriddeko okuba mu mbeera eno. ***(Obubonero 6)***

(iii) Laga bulungi ebifaananyi omunyumya by'atuukubidde okuggyayo omulamwa gw'ayogerako. ***(Obubonero 6)***

(iv) Musono ki ogw'olulimi omunyumya gwe yeeyambisa? ***(Obubonero 6)***

(v) Mutwe ki omusomi gw'ayinza okuwa emboozi eno era lwaki? ***(Obubonero 3)***

## EBITONTOME

***Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba 6, 7, 8, 9 oba 10.***

***Okot P'Bitek:*** ***Omulanga Gwa Lawino (kyakyusibwa Abasi Kiyimba)***

***6. Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebikikwatako.***

**EKIRYO KY'ENSUJJU …………."**

1. Mwami wange Ocol
Bino olabika wabyerabira
Kati ka mbikujjukize.

3. Bw'oba nga ddala gwe musika wa kitaawo
Nga nnyoko teyakusiiga busiizi mu kika,
Kakkana ku maviivi
Oddaabirize ekiryo ky'ensujju

2. Bajjajjafe bwe baabanga basenguka
Ng'ekiryo ky'ensujju tebakikuula
Baakiddaabirizanga bulungi
Baakiyiwangako evvu n'obusa ku kikolo
N'okukitemera ne bakitera
Era tewali yakyegezaamu kukitemawo.

Kikuulemu omuddo,
Okireke kirande bulungi,
Leka kwekannikirira nti okitemewo;
Ekyo kivve mu mpisa z'Abacholi,
Era nze nkuze okutuuka wano
Siwuliranga yali akikoze.

4. Taata w'abaana bange
Oli muzzukulu wa Lutany-mon
Eby'okweyisa nga omuwere biveeko;
Tuula weebulirire.
Olowooze ku buggagga obw'ensibo
Bajjajjaabo bwe baakulekera
Kati bw'oyagala okweggyako
Nga weesiba ku buwangwa bw'abagwira

5. Ekiyo ky'ensujju ekisigala mu kibanja
Ng'abantu basenguse
Ffe Abacholi tukiwa nnyo ekitiibwa
Anti eba mmera
Sso si kya kuzannyisa
Mu mpisa zaffe nga Abacholi
Omwana ne bw'akkuta n'abwegera
Tetumukkiriza kuzannyisa mmere.

6. Okuva edda n'edda
Mu buwangwa bwa bajjajjaffe
Ekiryo ky'ensujju bwe bulamu
Ebikoola tubifumba ne tubirya
Ate ensigo bw'ozisiika obulungi
Ng'oziwadde n'omunnyo ogwemala,
Zikukyusa mu biseera by'ekyeya.
Ensujju yennyini bw'ekula
Tugisalaasalamu ebibajjo
Ne tubyanika ne bikala, ne tubitereka.
Byaniriza abagenyi abagudde obugwi,
Ate enjala bw'egwa nga gyebiri mu kyagi,
Abaana basigala baligita,
N'ab'eŋŋanda tobeekaanya.
Kati ggwe musajja wattu
Ayagala okukuula ekiryo ky'ensujju,
Enjala bw'eneegwa onoduukira wa?

7. Ekiryo ekisigala mu kibanja kye baseenguseemu
Kiyamba abatambuze n'abeggami b'enkuba,
Kubanga bw'otambula olugendo
Toyinza kumanya gy'onooba
Ng'enjuba egolooba;
Waakiri osula mu kifulukwa
Ng'olubuto lubuguma.

***Ebibuuzo:***

(i) Omuwandiisi atusengekedde atya ebirowoozo bye? ***(Obubonero 7)***

(ii) Laga bulungi omugaso gw'ekintu ekikulu ekyogerwako mu kitontome kino. ***(Obubonero 4)***

(iii) Omutontomi ali mu mbeera ki era lwaki ali mu mbeera eyo? ***(Obubonero 3)***

(iv) Kiki ekyogerwako ng'ekivve era lwaki kiyitibwa ekivve? ***(Obubonero 4)***

(v) Obukugu bw'omuwandiisi mu kitontome kino bweyolese butya. ***(Obubonero 7)***

(vi) Nnyonyola ensonga ezireetedde Lawino okukyawa ekitonde ekikazi.***(Obubonero 25)***

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

**F. M. MASAGAZI: MPAAWO KITAKYA**

***7. Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebikuweereddwa.***

**OMUZADDE KATONDA W'OKUNSI**

*Nzijukira maama waffe by'alafuubanye nabyo tube kye tuli. Ate n'oluyimba olwannyumira ennyo ku muzadde.*

1. Omwana bw'okula, weebaza omuzadde
Omuwala bw'owaswa, ng'oddiza abazadde
Omusajja ow'amaka, jjukira abazadde
Alina ebisente, tonyooma yazaala
Ne bwe baba bakadde, baddize ku byabwe
Eggulu libanja, oyagale omuzadde
Buli kyonna ky'oli, muzadde ye yali oyo!

2. Kati laba oli musajja, omusajja mu maka
Kati oyitwa na maama, maama w'abato
Singa teyali muzadde, tewandibadde bw'otyo
Omuzadde ye yateesa, ofuuke omusajja
Era yali muzadde, otuuke obe maama
Ye yanywa makaayi,
Luleeba lw'olutimpa,
Olubuto n'alutenga,
Amakiro n'obiganga
Omwana we akule
Weebaze era siima, okufaayo kw'omuzadde.

3. Kati weemanyi obukyala, kuba ggwe mukyala,
Kati oli na mukyala, n'omusajja mu maka!
Singa teyali muzadde, tewandikyalawadde
Maama ye yateesa, ofuuke nga bw'oli
Mulimu gwa muzadde, ogwakuwa oluwenda

Empisa z'amaka,
Gattako ez'ekikyala,
Okufuuka omusuutwa,
Mu maka g'omusajja,
Bazadde b'omusajja
Nabo bakutenda,
Osaana kuddiza omuzadde, eyatema oluwenda!

4. Kati oli musajja, mu maka amasajja
Abaana bo ozadde, olw'okuba omusajja
Singa teyalwana, okkukuza ng'omusajja
Wandirabye okuboolwa abaagala abasajja
Kati lwaki tomuweera?

5. Nga yafuba akutuuse,
Omusajja mu basajja,
Tolina wadde anyooma,
Nti toil mu basajja!
Otambula masajja
Ovaayo mu basajja
Weeyise kisajja
Kubanga oli musajja
Ggwe gira omusiime, kuba ye yalwana!

6. Omusente olina, kuba ggwe wayiiya
Bakuyita na muloodi, olw'okuweza omusente
Naye jjukira eyazaala, n'omukisa gwe nno
Olweza lwe yanaaza, gwe mukisa gw'ebisente
N'asaba Katonda.
N'emizimu abalongo,
N'akuwonya ebitta,
Obeerewo bulungi
Ku ssomero atuttee,
Otandike obuyiiya,
Bye wasoma ebingi,
Kwe kuvudde omusente,
Gwe muddize omusiime, yakuwa omusingi!

7. Mu bukadde bwabwe, baddize obayambe
Tobajjuza byansi, anti ggwe muzadde kati
Mu bulwadde bwabwe, kabube bubwo
Akanyama n'ekyenda, bakalye basiime
Ekikunta obabikke, nga bwe baakubikka
Abaana bo abazaale, baweereze e bujjajja
Bazannye, bayimbe, bakube ku lwali
Bawone ekiwubaalo, ekibeenyiya ensi eno

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

Kye baakola ng'okyali, okibaddize kati ggwe!

8. Bw'olikola amatendo, ng'eggulo olituuse
Eggulu mu kusooka, libeera mu bazadde
Ekisa ky'obawadde, nga Katonda akuweera
Ettima ly'obawadde ne Katonda omunyiiza
Kaakati tukole nnyo, tusanyuse abazadde
Eggulu litutuuke, kuba tubawadde.
Katonda atubeere, n'abazadde baffe.

***Ebibuuzo:***

(i) Ekitontome kino kisengekeddwa kitya? ***(Obubonero 8)***

(ii) Olulimi omuwandiisi lw'akozesezza luggyeeyo lutya obubaka mu kitontome? ***(Obubonero 4)***

(iii) Obukugu bw'omuwandiisi bweyolese butya mu kitontome kino? ***(Obubonero 8)***

(iv) Omutontomi alimu mbeera ki era lwaki? ***(Obubonero 5)***

8. Weeyambise ebyokulabirako okuva mu bitontome eby'enjawulo olage engeri omuwandiisi gy'alafuubanyeemu okusomesa abasomi be ku kintu ekikulu mu bulamu ky'okwegendereza omuntu. ***(Obubonero 25)***

**EKITUNDU**

**W. KIYINGI: LOZIO BBA SSESSIRIA**

9. "Ee, kale nzija, oyo gw'olabye alingiza mutabani wange yafumbirwa ono owa muno (abuulirira) era mwana wange ka nkubuulire okyali mulenzi muto, tokkirizanga sitaani kukukema kutuuka awo."

(a) Lwaki ayogera akozesa ebigambo "owa muno" ku gw'ayogerako? ***(Obubonero 3)***

(b) Mbeera ki omwogezi kw'asinzidde okwogera ebigambo ebyo? ***(Obubonero 10)***

(c) Okusinziira ku ky'osomye mu muzannyo guno lwaki tewandikkirizza sitaani kukukema kutuuka awo? ***(Obubonero 12)***

10. Nnyonnyola bulungi essomo omuwandiisi ly'ayagala abasomi bayige ku mbeera n'enneeyisa ya Jane, Mukasa ne Lozio mu muzannyo Lozio Bba Ssessiria. ***(Obubonero 25)***

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM

11(a) Okusinziira ku nteekateeka y'omuzannyo guno, bintu ki ebiyinza okukaluubiriza abazannyi baagwo? ***(Obubonero 12)***

(b) Omuzannyo guno Kyeyune agwesigamizza ku kulombojja nfumo. Nnyonnyola bulungi n'ebyokulabirako. ***(Obubonero 13)***

12. Okubaawo kwa Walukagga mu muzannyo Bemba Musota kwe kuvaako obuwanguzi bwa Kintu. Kubaganya ebirowoozo. ***(Obubonero 25)***

## BIKOMYE WANO!

DOWNLOAD MORE RESOURCES LIKE THIS ON ECOLEBOOKS.COM